EAST AFRICAN CRUDE OIL PIPELINE

ENKOLA YA EACOP KU MWENKANONKANO MU KIKULA KY'ABANTU N'OBUTALEKA MUNTU N'OMU MABEGA

Kampuni y'omudumu gw'amafuta eya East African Crude Oil Pipeline (EACOP) yeeyama okulwanirira n'okussa ekitiibwa mu ddembe ly'abakazi n'amateeka agali mu kkowe eryo, wakati ng'ekola bizinensi zaayo n'emirimu gy'ekitongole. Enkola eno ey'okulwanirira obwenkanya mu kikula ky'abantu n'obutaleka muntu yenna mabega ennyonnyola era n'erambika obumalirivu bwa EACOP mu by'eddembe l;y'obuntu okusobola okuganyula abantu bonna abakwatibwako munda mu kampuni n'ebweru waayo. Enkola eno eri mu ttuluba lye limu n'enkola ya EACOP ey'okukuuma eddembe ly'obuntu, etakkiriza kusosola muntu yenna okusinziira ku kikula kye, emyaka gye, gyazaalibwa, obulemu ku mubiri, okusalawo kwe ku kikula kyayagala okubeera, n'okutulugunyizibwa okwengeri yonna, kwossa okukozesa abaana abato n'abantu abalala ku kifuba. (enkola ya EACOP ku ddembe ly'obuntu, 2022).

Era enkola eno egoberera era n'eteeka mu nkola ebyo ebyasalibwawo ekibiina ky'amawanga amagatte mu lukungaana olwaliwo mu 1979, ebirambika engeri y'okumalawo okusosola abakazi okwengeri yonna, nga gavumenti ya Uganda yabiteekako omukono mu 1985 n'eya Tanzania mu 1986. Nga tulungamizibwa empagi z'ekibiina ky'amawanga amagatte ezikwata ku kuyimusa abakazi, EACOP eteekawo embeera ey'obwenkanya n'okuwangana ekitiibwa, eteeka etaffaali ku kaweefube w'okuyimusa abakazi mu mbeera zonna mu ggwanga, era eyamba okuggumiza ennono y'abakazi n'abasajja okuweebwa omukisa gwegumu mu kukulaakulana n'okutumbuka. Tukkiriza nti omwenkanonkano mu kikula ky'abantu tekikoma kubeera ddembe lya bwebange, wabula era mpagi ya maanyi mu kukulaakulanya eby'enfuna n'embeera z'abantu.

KU MUTENDERA GUNO OGW'OKUZIMBA N'OKUKOZESA OMUDUMU, EACOP ETUMBULA ENKOLA Y'OBUTALEKA MUNTU N'OMU MABEGA N'OKUZIBA EMIWAATWA GYONNA EGIRI MU KIKULA KY'ABANTU. -

EACOP YEYAMA OKUKOLA BINO WAMMANGA:

- Okumanya omugaso n'obumalirivu bw'obukulembeze, mu kulwanirira obwenkanya mu kikula ky'abantu munda mu kitongole okuyita mu mwenkanonkano, wakati w'abakazi n'abasajja, n'okuwa abakazi omukisa gw'obukulembeze mu kitongole. Obukulembeze bwa EACOP bujja kusoosowaza omwenkanonkano ku mitendera gyonna mu kitongole, omuli n'okufuna abakulembeze abakazi ku bboodi n'olukiiko olukulu oluddukanya ekitongole.
- Okutumbula ennono mu kitongole eteekawo embeera ey'okukola nga tewali kusosolegana, nga abakozi bonna bakwatibwa mu ngeri ebaweesa ekitiibwa n'okuwa omukisa ogwenkanankana eri buli muntu okusobola okukula n'okukulaakulana.
- Okukuuma obulamu bw'abakzoi abakazi n'abasajja n'okulongoosa embeera mwe bakolera nga tumanya obuvunanyizibwa bombi bwe balina mu maka gaabwe.
- Okuwagira enteekateeka egenda mu maaso ey'okwongera omutindo ku bakazi abali mu kitongole okuyita mu kubatendeka n'okubalungamya, okusobozesa abakazi, abavubuka, n'abantu abalala abatalabibwawo nnyo, okufuna emikisa egiwerako, kibayambe okugyayo obusobozi bwabwe.
- Okuwagira enteekateeka z'okukulaakulanya ekitongole, okukola emirimu ku mitendera gyonna, n'okugula ebyetaagisa mu kitongole, nga biri mu layini y'emu n'enkola eno ey'omwenkanonkano mu kikula ky'abantu.
- Okutakabanira omwenkanonkano mu bitundu gye tukolera yonna, nga tuyita mu misomo egitegekebwa okubangula abantu, emirimu n'okwogerezeganya ebitumbula omwenkanonkano, kwossa okuyamba ebibiina by'abakyala n'entandikwa ey'engeri ez'enjawulo okusobola okubayimusa. Tufaayo nnyo era twegendereza eby'obuwangwa n'embeera z'abantu be tukoleramu.
- Okunywerera ku nkola ey'obwerufu mu nkola y'emirimu, okuyita mu kupima enkola y'abantu nga tufuna lipooti eziraga engeri gye bakolamu, munda mu kitongole n'abemikago be tukolagana nabo mu mulimu guno, kwossa bakontulakita ababeera mu bantu.

Engeri y'okussa mu nkola enkola eno, erambikiddwa mu PULAANI NAMUTAAYIIKA EKWATA KU KIKULA KY'ABANTU MU EACOP era etunulwamu n'okwekenenyezebwa oluvanyuma lw'ebbanga eggere, akakiiko akavunanyizibwa ku ddembe ly'obuntu mu EACOP era ne kazza bugya ebyetaaga okukyusibwa, nga biri mu layini n'obumalirivu bwa EACOP mu kulongoosa enkola y'ebintu buli kiseera. Tukakasa gavumenti z'ensi mwe tukolera, n'abantu bonna abakwatibwako nti tuli bamalirivu okukuuma n'okussa ekitiibwa mu ddembe ly'abakazi. Enkola eno ekwata ku buli muntu alina akakwate ku EACOP. Tukubiriza ab'emikago mu bizinensi ne bakontulakita okweyisa mu ngeri entuufu etuukana n'enkola eno.

Martin TIFFEN
AKULIRA KAMPUNI YA Director, EACOP
Ennaku z'omwezi: 24/11/2023

MJ Tiffen